
# Minisita w'Ebyenjigiriza asiimye obuyiiya mu basomesa



Minisita Janet Museveni (wakati) n'abagenyi abaabadde ku mukolo ogwo mu maka g'Obwapulezidenti e Ntebe. Abayimiridde be basomesa abaawangudde. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Bya SHARON NABASIRYE NE FRED KAJUBI

MINISITA ow'Ebyenjigiriza n'ebyemizannyo, Janet Kataha Museveni atenderezza omulimu amatendo ogukolebwa abasomesa nga bakozesa obuyiiya obw'enjawulo okubangula abaana b'eggwanga.

Okwogera bino yasinzidde ku mukolo gw'okusiima abasomesa abasukkulumye ku balala mu nteekateeka eyassibwawo kkampuni ya Vision Group eya Teachers Making Difference 2025, ogwategekeddwa mu maka g'Obwapuleizdenti e Ntebe ku Lwokusatu.

Muky. Museveni yatenderezza abasomesa kuba gwe musingi, eggwanga kwe lirina okwesigama okukyusa ebiseera eby'omu maaso.

Yasiimye abasomesa 12 abaatuuse ku buwanguzi mu mpaka zino olw'obuyiiya n'okukola obuteebalira okusomesa abaana b'eggwanga nga bayita mu nkola ez'enjawulo. Yakubirizza abasomesa okukuuma obuntubulamu mu mulimu gwabwe n'okukuuma ekitiibwa ky'obusomesa.

Yagambye nti Gavumenti eriko ebintu bingi by'ekoze okutumbula ebyenjigiriza ng'essaawo enkola okuli; 'Bonna basome' mu pulayimale ne siniya eziwadde omukisa abaana bangi okufuna obuyigirize.

Yatenderezza Vision Group olw'enteekateeka eno ey'okusiima abasomesa kw'ogatta pulojekiti endala ezitadde ettoffaali eddene ku byenjigiriza.

Yategeezezza nti, minisitule y'ebyenjigiriza yeenyumiriza nnyo mu nteekateeka eno kuba eyamba nnyo okutumbula obuyiiya mu basomesa n'okwogiwaza abasomesa naddala abo abafuna omukisa okugendako mu ggwanga lya Ireland.

Yasiimye omubaka wa Ireland mu Uganda, Mags Gaynor olw'okuwoma omutwe mu nteekateeka eno eyatandika mu mwaka gwa 2017 ng'eganyudde abasomesa abasobye mu 100 era ku bano, 57 basobodde okubangulwa mu misomo gy'ekikugu mu ggwanga lya Ireland.

Ye minisita omubeezi owebyenjigiriza ebya waggulu, Dr. JC Muyingo yasiimye omulimu ogukolebwa abasomesa okugunjula eggwanga n'atendereza minisita Kataha Museveni olw'amaanyi g'ataddewo okutumbula ebyenjigiriza.

Yasiimye bannamikago abavujjirira enteekateeka eno n'ategeeza nti Gavumenti nneetegefu okwongera amaanyi mu byenjigiriza n'okuwagira enteekateeka nga zino ez'okusiima abasomesa.

Akulira Vision Group, Don Innocent Wanyama yasiimye minisita w'Ebyenjigiriza olw'ettoffaali eddene ly'atadde ku nteekateeka eno ey'okusiima abasomesa abakoze obulungi.

Yagambye nti abasomesa abasoba mu 1,000 be basiimiddwa mu nteekateeka eno eyatandikibwawo mu 2013. Yeebazizza omubaka wa Ireland mu Uganda n'eggwanga lya Ireland olw'obuvujjirizi.

Dr. Patricia Litho eyakiikiridde Ssentebe wa boodi ya Vision Group yatenderezza kampuni olw'obuyiiya obuvuddemu ebibala nga pulojekiti eno esiima abasomesa abakoze obulungi.

Ye omubaka wa Ireland mu Uganda, Gaynor yakkaatirizza obukulu obuli mu kusiima abasomesa abakoze obulungi n'agamba nti bakola omulimu gwa maanyi mu kukyusa embeera z'abantu n'ebitundu.

Abasomesa 12 abaasinze, baakutwalibwa mu ggwanga lya Ireland bafuneyo obukodyo obupya ku kubangula abayizi. Omukaaga ku bano, kkampuni ya Vision Group ng'eri n'abagiteekamu ensimbi mu nteekateeka eno, y'egenda okubatwala ate abalala 6, Muky. Kataaha Museveni y'agenda okubasasulira buli kimu.

**ABASOMESA ABAAWANGUDDE KULIKO;**

1. **Alice Mary Birungi - Bombo Army SS, Luweero**
2. Arafat Ndiwa - Kalas Girls P/S, Amudat
3. **John Bosco Loibok - Karenga Boys P/S, Karenga**
4. Richard Begura - Immaculate Heart Girl's School, Rukungiri
5. **Tairi Fungaro - Yumbe P/S, Yumbe**
6. Aisha Mbeya- Nalubaale SS, Bugiri
7. **Anna Lomonyang - Kangole Boys P/S, Napak**
8. Job Alefu - Yoro P/S, Adjuman
9. **Elisa MfitUndinda - Muramba Seed SS, Kisoro.**
10. Morris Wamuwaya - Nabumali Boarding P/S, Mbale.
11. **Florence Nabasumba - St. Peter's Nantabulirirwa P/S, Mukono.**
12. Stella Ejang - St. Katherine SS, Lira.